# RISE AND SHINE HIGH SCHOOL -NTINDA

## END OF TERM 1

## S.3 LUGANDA

## ESSAAWA BBIRI (2 hrs)

**Ebigobererwa**

Olupapula lulina ebitundu bibiri : A ne B

Ekitundu A kyabuwaze

Mu kitundu B, londako ennamba emu

## EKITUNDU A

Gwe Ssentebe w'ekyalo Nkokonjeru ekisangibwa mu ggombolola y'eBusukuma mu Kyadondo , Wakiso . Enkuba yafudembye neyonoona ebintu byabantu era n'ereta obuzibu bunji nga okwonoona amakubo , emmere, amayumba ,obutale, amakolero, amasannyalaze , amaduka, n'ebirala.

**Omulimu:** Wandiikira omukiise wo mu lukiiko lw'eggwa nga omutegeeza ebizibu ebyaleeteddwa enkuba.

2. Mukwano gwo Lubwama azadde abaana era omu ku baana ba Lubwama ayitibwa Lule asabye kitaawe Lubwama okumuwa ssente z'okulambula okwategekeddwa ku ssomero. Lubwama akombye ku ppaasi obutawa mutabani we kato nsimbi za kulambula mbu tekulina mugaso eri omwana n'eggwanga lyonna okutwaliza awamu . Lule akusabye oyogereko ne kitaawe kubanga gwe mukwano gwe omusikirizise okumuwa ssente.

**Omulimu:** Yogerako ne mukwano gwo Lubwama asobole okuwa omwana ssente era omugamabe emigaso gyokulambula eri omwana n'eggwanga lyonna.

## EKITUNDU B

3. Wategekeddwayo omukolo gw’ebyobuwangwa era nga omulamwa omukulu gwa “ssubi”. Oli omu kubagenda okusomesa abantu emigaso gy’essubi.

**Omulimu:** Lambulula bulungi emigaso gyessubi eri abantu.

4. Minista w’ekikula ky’abantu n’enono mu gavumenti eya wakati mwenyamivu eri “ebika” ekintu kyalowooza nti kiyawuddemu abantu mu ggwanga kwosa n’emberebezi endala nnyingi. Aleese eteeka mu palamenti nga ayagala ebika by’Abaganda biwerebwe mu ggwanga . Nga Omuganda , wandiikira minista ebbaluwa nga omulaga nti endowoooozaye nkyamu eri ebika by’Abaganda olw’ebirungi byebirina.

BIKOMYE WANO